
BUUZA OMUSAWO

# Mbuulire ntya omwana wange ku kawuka ka siriimu?



Dr. Nelson Musoba, Dayirekita UAC.

AKULIRA ekitongole kya Uganda Aids Commission, Dr. Nelson Musoba, leero ayanukula ebibuuzibwa ku ngeri omuzadde gy'asaanye okwogera n'omwana we ku bikwata ku kawuka ka siriimu mu luwummula luno oluwanvu naddala nga Uganda eri mu kaweefube okulaba ng'erinnya akawuka ka siriimu ku nfeete we tunaatuukira mu mwaka gwa 2030.

**Lwaki mu kaweefube w'okumalawo siriimu mu mwaka gwa 2030 omuzadde yandyetaaze okwogerako n'omwana we?**
Ekituufu kiri nti, ffamire y'emu ku mpagi luwaga esobola okuyambako okulaba ng'ekirooto kino tukituukiriza. Abazadde b'abaana buli omu mu kiti kye, ababalabirira n'abalala abagwa mu kkowe eryo, bakola kya maanyi okusiga ensigo mu bamusaayimuto gye batambula nayo obulamu bwabwe bwonna.

**Mu bufunze omuzadde kasita ayogera n'omwana we kiba kiwedde?**
Enkola za Gavumenti, ebikozesebwa mu malwaliro, amasomero ne mu bitundu gye bawangaalira nabyo bijja kusigala bikola ogwabyo. Naye nga bwe tuli mu luwummula luno oluwanvu, nalwo mukisa munene eri omuzadde ku mwana we okumubuulira ebikwata ku siriimu.

**Olwo abasawo tebeesuulireyo gwa nnaggamba mu kubuulirira abaana, abazadde bwe banaabyenyigiramu?**
Ekirwadde kya Covid-19 lyali ssomo lya maanyi eri ensi, kubanga abantu baakitegeera nti, ebikwata ku bulamu si bya basawo bokka na bibiina mwe batuula nti, mwe balina obitegeerera , wabula bitandikira waka. N'ekya siriimu bwe kirina okuba.

**Olwo omuzadde, omwana amutandike atya kubanga si byangu bya kwogerako?**
Omuzadde tasaanye kwekwekerera mwana kumubuulira bikwata ku siriimu, amakubo g'ayitamu okumufuna, engeri gye bamwetangiramu, gye bamujjanjabamu naye ng'okusalawo okubeera omulamu kye kisinga eri ffenna, olwo lwe tujja okusobola okumalawo akawuka ka sirimu tukafume bufumi.

**Lwaki muwulira kyetaagisa nnyo omuzadde okwogerako n'omwana we okusinga abakulembeze?**
Abaana n'abavubuka we twogerera be basinga obungi mu bitundu gye tuwangaalira ate nga bonna balina amaka mwe bava. Omutimbagano gukoze kya maanyi okubayigiriza ebirungi n'ebibaggya ku mulamwa.

Ebibinja by'abaana aboononefu, kaabuvubuka n'enkyukakyuka mu mibiri gyabwe byonna bisobola okuvaako okukemebwa ne beenyigira mu mize, singa babeera tebafunye kubuulirirwa okuva eri bazadde baabwe.

Ekirala, abaana abasinga bawuliriza bazadde baabwe kye babagambye era ne bakitwala, omuli; ebyobuwangwa, empisa n'obutabalekerera mu mbeera endala. Wano we tusabira abazadde okwogerako n'abaana baabwe ku ngeri akawuka omuntu gy'akafunamu, engeri gy'ayinza okukeewala, n'engeri gye bamujjanjabamu, bino byonna alina kubimugamba nga banyumya bulungi ekiyamba obubaka okubufuna nga tewali kutiisatiisa.

**Okunoonyereza ku nsonga eno gye tuliko, kulaga ki?**
Okunoonyereza kulaga nti, abaana aboogerezeganya ne bazadde baabwe awatali kutya be basinga okulung'amizibwa n'okwekuuma okusinga kw'abo abatayogera ate ne bamaliriza nga boonoonese.

**Naye abasawo ababuulirira abantu ebikwata ku kawuka basooka kutendekebwa, kati omuzadde ye akole atya?**
Okwogera n'abaana ebikwata ku kawuka tekyetaagisa lulimi lwa kisawo, ekyetaagisa kubyogerako mu kiseera ekituufu ate mu bukkakkamu.

**EBIBUUZO BIDDIDDWAAMU Dr. Nelson Musoba Director General – Uganda AIDS Commission. Ne bikung'aanyizibwa KHASIFAH NAAVA.**